# Bannaddiini bavumiridde enguzi, obulimba n'obugayaavu mu kubatiza abaana okwa Easter Monday




Rev. Joseph Luvuma ow'obusumba bw'e Namasuba mu kubatiza abaana ku Easter Monday mu kkanisa ya St. Apollo Kivebulaaya e Namasuba. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

Bya STEVEN EMMANUEL SSEKAGGO, PAUL GALIWANGO, SAMUEL BALAGADDE NE STEVEN KIRAGGA

BANNAYUGANDA balabuddwa ku muze ogw'okulimbalimbanga abalala n'okukwekanga amazima ku nsonga ez'enjawulo kubanga bw'olimba ate amazima ne gatuuka ne gavaayo ensi ekutunuulira nga omuntu ow'obulabe gye bali.

Byayogeddwa Bwanamukulu w'ekigo ky'e Bbiina, Rev. Fr. Joseph Ssebayigga bwe yabadde akulembeddemu mmisa omwabadde n'okubatiza abaana mu Klezia e Bbiina ku Easter Monday.

Fr. Ssebayigga kino yakisimbudde ku basirikale abaali bakuuma entaana ya Yezu kyokka bwe yazuukira ne babagulirira okusaasaanya obulimba nti omubiri gwa Yezu mu ntaana baali babbyeemu mubbe!

Yavumiridde n'abazadde abatawa baana baabwe bikozesebwa mu masomero omuli n'ekyemisana ne bakirako abaabazaalira Gavumenti. Mu mmisa eno, ne munnamawulire wa Bukedde, Edward Luyimbaazi yabatirizzaamu omwana we.

**GABA**

Mu kigo kya St. Kalooli Lwanga e Ggaba, mmisa y'okubatiza yakulembeddwa Rev. Fr. Vincent Ssemwanga ow'abavubuka ng'ayambibwako Omudyankoni Alexander Muzingu, eyakubirizza Abakristu okukuuma ekitiibwa ky'essakalamentu lya Batsimu nga bakuumira abaana ababatiziddwa mu ddiini.

Yabalabudde nti, tebakemebwanga ne batwala abaana abo mu masabo kubanga kitta ekitiibwa kyabwe n'okubamalako Obwakatonda.

Yavumiridde n'enguzi ekudde ejjembe mu ggwanga. Eno abaana 70 be baabatiziddwa.

**MATUGGA**

Mmisa ku kigo kya St. Francis of Assisi e Matugga, yakulembeddwa Rev. Fr. Edward Kironde eyakuutidde abazadde okukuliza abaana mu ddiini n'okubayigiriza empisa.

Yabakuutidde okubayigiriza essaala mu maka, okubakubiriza okusoma Ssande. Mu kigo kino abaana 157 be baabatiziddwa.



Fr. Edward Kironde ng'asiiga omwana omuzigo.



Fr. Ssebayigga ng'akwasa abazadde ettaala mu kubatiza e Bbiina. Ku kkono ye munnamawulire wa Bukedde, Edward Luyimbaazi ne mukyala we Allen Nantiba (wakati).

**NAMASUBA**

Omusumba w'obusumba bw'e Namasuba, Rev. Joseph Luvumu yakubirizza abazadde abatannagattibwa okukola enteekateeka bagattibwe bawe abaana ekifaananyi ekirungi.

Yabyogeredde mu kkanisa ya St. Apollo Kivebulaaya mwe yabatirizza abaana 17.

Yagambye nti abazadde bwe bagattibwa, bafuna n'omukisa okwegatta ku bibiina nga Mothers Union n'ebirala mwe bayita okuweereza Ekkanisa.

**BWAISE**

Omusumba omubeezi ow'Obusaabadinkoni bw'e Kazo, Rev. Richard Nakibinge akalaatidde abayima b'abaana obutalekerera bazadde b'abaana mu kukuza abaana mu bulamu obw'eddiini.

Yabadde ku kkanisa ya St. James e Bwaise mwe yabatirizza abaana abawerako kyokka n'ategeeza nti abayima bangi olumala okweyimirira abaana, nga balowooza nti obuvunaanyizibwa bwabwe buwedde, ekitali kituufu. N'abasaba okukwatagana n'abazadde naddala mu nkuza y'abaana.